


D.O.W.B.I

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

CERTIFICATE

IN MINISTRY



OMWOYO O MUTUKUVU N'AMAFUTA GE

Name/Erinnya _____

Located/ * Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
Tusangibwa * Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kagga Rd.

KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]

COURSE OUTLINE (3 HOURS)

OMWOYO OMUTUKUVU N'AMAFUTA GE



> **OKUNNYONYOLA:** (Okusinzira ku A W Tozer)

Omwoyo Omutukuvu:

- Okuva nga tuli bato twetooloddwa ensi erimu ebintu bye tulaba nga amata, ekitanda, maama, n'ebirala.
- Ebintu ebirabika era ebikwatibwako bitusemberedde nnyo ne tutuuka n'obutalowoza ku mwoyo okujjako nga tukozesa ebintu by'ebimu okumutegeera.
- Ebintu ebikwatibwako birina obuzito, ebipimo, endabika, enkula, n'ebirala bingi. Akantu n'ebwe kaba katono katya. Eno ngeri emu ey'okubeera wo.
- Ebintu ebirabika bitomeragana tebisobola kweyitamu.
- Eky'okulabirako eky'omuzira, amazzi, n'omukka kyikyaamu ku busatu.

>> **OMWOYO OMUTUKUVU KYAALI:**

1. Omwoyo Omutukuvu ye muntu abeerawo mu ngeri endala. Talina buzito, talina kipimo, talina ndabika, talina langi era tajuza kifo nga ekintu ekikwatibwa ko.
2. Ye muntu alina ebisanyizo eby'obuntu. Talina mubiri ogukwatibwa ko. Naye nga alina omubiri. Omwoyo si mpewo oba omukka. Omukka oba empewo, tebirina buntu.

3. Alina okwagala okusalawo, amagezi, empulira, okumanya, okusasira, asobola okwagala, alaba, alowoza, awulira, ayogera, ayayaana era akola ebintu byonna eby'obuntu.

>> OMWOYO OMUTUKUVU Y'ANI:

- Ye Katonda: Matayo 28:18; Yokaana 4:24
- Yenkanankana ne Kitaffe, n'Omwana. 1Yokaana 5:7
- Ali mu buli kifo: Zabbuli 139:7 – 8
- Abeerawo emirembe gyonna: Abaebbulaniya 9:14
- Tasobola kwawukanyizibwa na Kitaffe n'Omwana.

>> ENGERI Y'OKUTEEKAWO ENKOLAGANA N'OMWOYO:

1. Omwoyo muntu tumusikiriza mu kusaba: Amosi 3:3; Luka 11:13
2. Ajja awali abo abagulumiza Yesu: Yokaana 7:37
3. Ajja eri abo abakkiriza obukkiriza: Ebikolwa 19:1

**>> OMULIMU GW'OMWOYO OMUTUKUVU:
(MU NDAGAANO ENKADDE):**

- Yaliwo mu kutondebwa kw'ensi: Oluberyeberye. 1:2
- Yawanga abaddu ne bannabi ba Mukama amaanyi: Ekyabalamuzi 14:6
- Tewaliwo mufuzi Katonda gwe yatuma nga talina Mwoyo Omutukuvu: 1 Samwiri 16:10



(MU NDAGAANO EMPYA):

- Mubeezi, atusomesa era nga abeera naffe emirembe gyonna: Yokaana 14:16 – 18, 26
- Ye yadda mu kifo kya Yesu, anenya abatali balokole ekibi, obutkiriivu era n’omusango: Yokaana 16:7 – 12
- Alung’amy e Kanisa mu mazima gonna era ayogera bigambo bya Yesu: Yokaana 16: 13 – 15
- Awa e Kanisa amaanyi ag’oyo ali waggulu ennyo olw’obuwereza: Luka 24:49; Yokaana 20:21 – 23; Ebikolwa 1:8.

>> AMAFUTA GA KATONDA:

Okunnyonyola:

- Amafuta ge maanyi ga Katonda agakka ku muntu olw’okukola omulimu gwa Katonda. Luka 4:18
- Kiringa okusiiga omuntu amafuta gano agabulijjo. Omwoyo Omutukuvu atusiigibwa (‘Mashiyach’-Lwebbulaniya – kitegeeza okusiiga). Gano ge maanyi agakola ebintu.
- Ge maanyi agalabisa eby’amagero n’ebyewuunyo. Si kugwa oba okuleekaana.

>> **EBIKA BY'AMAFUTA BIRI BIBIRI (2):**

- 1. Amafuta ag'okungulu:** Ekyabalamuzi13:24 – 25; 14:6, 19; 15:1; Luka 4:18, gano gaweewwa abaddu n'abazaana be okukola emirimu gya Katonda. Luka 1:15; Yoweeri 2:28
- 2. Amafuta ag'omunda:** Yokaana14:16 – 17; 1 Yokaana 2:27; 1 Abakkolinso 2: 9; 2Abakkolinso1:21; Abaefeso 1:19. Amafuta gano ge gatubikkulira ebintu bya Katonda. Galeeta okubikkulirwa, okutegeera, okulung'amizibwa, n'okuwummuzibwa.


>> **AMAFUTA GALI MU MADAALA ASATU (3):**

- 1. Eddaala ly'ekidiba:** Yokaana 4:14; Abaleevi 14:15-18; Ezekyeri 47:1-3. Amafuta gano gakukka ko ng'okkiriza Yesu. Buli kigenge kinaazibwa. Eno y'ensisinkano esooka n'Omwoyo Omutukuvu.
- 2. Eddaala ly'Omugga:** Yokaana 7:37; Yokaana 20: 21. Era ge mafuta ag'obwakabona, amafuta agatuuka mu kiwato. Ezekyeri47:4.
- 3. Eddaala ly'enkuba:** Ebikolwa 2:1-4; Yoweeri 2:28. Ge mafuta ag'obwakabaka. Amafuta ag'okuwuga. Ezekyeri 47:5.



Lined writing area consisting of 25 horizontal lines for text entry.





Handwriting practice lines consisting of multiple horizontal lines across the page.





Lined writing area consisting of 28 horizontal lines. The first 12 lines are grouped into three sets of four lines each, with a vertical margin line on the left side of each set. The remaining 16 lines are a single column of lines.





Lined writing area with horizontal lines and a vertical margin line on the left side.



